# Abagenda okwolesa mu musomo gw'ebyobulimi n'obulunzi beetegese




Omu ku bagenda okwolesa ng'aliko ky'abuuza mu lukiiko.

**Bya HERBERT MUSOKE**

KKAMPUNI, ebitongole, abalimi n'abalunzi abagenda okwoleso mu mwoleso gwa Harvest Money Expo bagamba nti, byonna biwedde era abanajja bagenda kufuna ekisinga.

Bwe baabadde basisinkanye n'abategesi ku kitebe kya Vision Group etwala ne Bukedde mu Industrial area ku Lwokutaano, baategeezezza nti, beetegefu okulaba nga buli anaatuuka ku mudaala afuna ekisinga n'omuwendo gwa ssente gwe bagenda okusasula ku mulyango.

Omwoleso gwa Harvest Money ogutegekebwa kkampuni ya Vision group etwala ne Bukedde ng'eri wamu n'ekitebe kya Budaaki mu Uganda gwa kubeerawo okutandika nga February 27 okutuuka nga March 1, 2026 ku kisaawe e Kololo nga gugenda okukuleetera abantu bonna abaliko bye bakola mu bizinensi y'obulunzi n'obulimi.

Ogw'omwaka guno guteereddwaamu ssente kkampuni ya Tunga Nutrition, Engineering Solutions (ENGSOL), Tunga Nutrition, Pearl Bank, Uganda Development Corporation ne aBi Development.

Okuyingira omwoleso guno osasula 10,000/- ate n'okwetaba mu misomo egigenda okutegekebwa ku bintu eby'enjawulo buli lunaku osasula 10,000/- olunaku.

Dr. Josophat Yiga owa Eram Uganda Ltd, abatunda eddagala ly'ebisolo n'ebinyonyi agamba nti, bagenda kwolesa eddagala ettuufu. "Twagala okutwala omukisa guno okwongera okutuusa ku balunzi eddagala ettuufu ate n'okulaba abalunzi abapya nti, ddala ffe bantu be basobola okukolagana nabo," Yiga bw'agamba.